# AMATEEKA GA ZAKAH

# أحكام الزكاة - أوغندي

جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات في الزلفي
هاتف: 164234466 966 ـ فاكس: 164234477 966

# AMATEEKA GA ZAKAH

# أحكام الزكاة

## Ennamula ya Zakah

Zakah y'empagi ey'okusatu mu mpagi z'Obusiraamu era ekakata ku buli Musiraamu okugitoola singa abeera awezezza ekigero eky'alaalikibwa mu mmaali ye. Agamba Allah mu Surat Baqara Aya 110 nti:

قال الله تعالى: ﴿ وَأَقِيْمُوا الصَّلاَةَ وآتُوا الزَّكَاة ﴾ [البقرة: ١١٠].

*''...era muyimirizeewo esswala mutoole ne Zakah.........".*

Okulaalikibwa kwa Zakah mulimu eby'okuyiga n'emigaso mingi mugyo. Egimu kugyo:

1) Okutukuza omutima n'okugwesambya empisa embi ez'omululu n'obukodo.
2) Okumanyiiza omusiraamu ekitendo kyobugabi.
3) Okunyweza olujegere lw'enkolagana n'omukwano wakati w'abagagga n'abaavu kubanga emitima gyatondebwa nga gyagala nnyo oyo alongoosa gyegiri.
4) Okuyamba omwavu omusiraamu okusobola naye okumala ebyetaago bye.

5) Okutukuza omuntu okumujjako amazambi n’ebibi kubanga kulwa Zakah omuntu asitulwa amadaala ate era n'asangulwako ebibi.

## Biki ebikakata okujjibwamu Zaka?

Zakah ekakata okujjibwa mu Zaabu ne Feeza (awo ne ssente enkalu weziyingira) eby'obusuubuzi n’ebisolo n’ebyobugagga byomu ttaka n’ebimera ebyemmere.

## Zaka okuva mu Zaabu ne Feeza:

Ekakata zakah okuva mu Zaabu ne Feeza mu mbeera yonna kasita biweza ekipimo ekyalaalikibwa, nga n’ekigero kya Zaabu zibeera grams 85 ate ekya Feeza zibeera grams 595. Bwatyo omuntu abeera awezezza ekigero ekyo mu zaabu oba Feeza alina okujjamu 2.5% mu buliwo so singa ayagadde okutoola mu sente zenyini olwo abeera abuuza omuwendo gwa buli gram ya zaabu oba feeza bweguli mukiseera awo ebbanga ly'okutoola welituukidde kwekyo kyayinawo, oluvannyuma bw’amala okumanya omuwendo gwa buli gram, olwo atoola mu sente zensi mwali okusinziira kukyalina.
Eky'okulabirako singa omuntu alina grams 100 nga za Zaabu abeera ateekwa okujjamu zakah singa ziyiseeko ebbanga Obusiraamu lyebulagira (ery’omwaka), kubanga abeera awezezza ekipimo

ekyalagirwa nga n'ekigero kyajja mu gram 100 ziba grams bbiri n'ekitundu (2 ½). Singa ayagadde zakah eno eya Zaabu kugiwa mu sente olwo abuuze omuwendo gwa gram ya zaabu bwegugula mu sente najjamu ebbeyi ya zzaabu aweza 2.5% gy'aba agabanyizza mu mugatte gw'emmali gyali mu kuwaamu zakah, kyekimu ne bw'aba ayagadde mu Feeza akola ekintu kyekimu nga asinziira ku kipimo kya Feeza.

Sente nazo zikakata okujjibwamu zakah singa ziwera ekipimo (Niswabu) Obusiraamu kyebwalaalika era neziyitako ebbanga Obusiraamu lyebwalaalika (Hawulu)/gwe mwaka, kati yenna abeera awezezza sente (ezenkana) ezigula grams 85 eza Zaabu ateekwa okuwamu zakah singa azitelese neziyitako ebbanga ely'omwaka nga (ajjeeko ebyetaagobye), era abuuze abatunda zaabu batunda batya, olwo atoole sente mu grams ezo 85 nga ajjamu 2.5%. Naye singa yesanga nga sente ezo eziyiseeko ebbanga tezinnasobola kugula grams ezo 85 eza Zaabu kitegeeza nti oyo tannaba kutuuka kuwa zakah.

Okugeza singa omuntu alina Riyaale 800 neziyitako ebbanga (mwaka) omuntu ono agenda n'abuuza abo abatunda Feeza, gram ya feeza bwegula, ebbanga lye limala nga eggwanga eryo likolera mu Feeza nga libala ebintu byalyo. Bwatyo bwasanga nga ekipimo kya grams za feeza 595 (kyenkanankana) kigula

Riyale 840 oyo abeera talina kuwa zakah kuba tawezezza kipimo (Niswabu) nga nakyo ze grams 595 mu Feeza (agulwa 840 ate yye alina 800) era bwatyo bwakola mu Zaabu (nga bwetwalabye)

## Zakah okuva mu by'obusuubuzi:

Omusiraamu ebintubye by’aba asubuza nga abitunda nafunamu sente n'ekigendererwa ky'okusuubula, (era muyingiramu buli kimu) ateekwa okubeera nga buli mwaka abitoolamu zakah olw'okwebaza Allah. Ku kyengera ekyo, n’okutuusa omugabo gw'abeetavu mu bagandabe eri banannyini gwo. Nga n’akakwakkulizo ku zakah eyo kwekubeera nga eweza ekipimo nga nakyo bakipimira kukimu kubibiri Zaabu oba Feeza nga kiba kyatteeka okujjamu 2.5% nga kijjibwa mu muwendo ogwawamu (omugatte gw'obugagga bw'obusuubuzibwe).
Okugeza omuntu singa abeera n’ekipangisibwa nga kiweza Riyale emitwalo kkumi abeera ateekwa okujjamu Riyale 2500, era n’eri oyo omusuubuzi agula era n’atunda ateekwa okupima capital gw’alina ku buli ntandikwa ya mwaka, n’abeera nga awaamu zakah.
Singa omuntu asuubula eby'amaguzi nga ebbanga telinnatuuka nga kubulako ennaku nga kkumi, ebyo nabyo abigattako n’ebinabyo byonna nabitoleramu wamu zakah, nga nebbanga litandika olunaku

lweyatandika okusuubula (nga awezezza omuwendo) era zakah yabuli mwaka n'olwekyo Omusiraamu omukkiriza ateekwa okuwa zakah ye buli mwaka!
Bwekityo n'ebisolo ebiriisibwa naye nga by'abusuubuzi nabyo biweebwamu zakah kakibeere nga obungi bwabyo tebuwela muwendo gwa kipimo kyabisolo naye wano kibalibwa mu sente ezibirimu kasita zibeera nga ziwela (Niswabu) ekipimo kya sente kivaamu zakah nga awa mu sente.

## Zakah mu migabo

Mu mulembe guno abantu batambulira mu migabo gya *estates* n'ebirala. Era gisoboka okukendeera oba okulinnya mu myaka emigere oluusi. Kati nno mu migabo mulina okutoolwamu zakah kubanga kibalibwa nga ky'abusuubuzi ky'amaguzi bwatyo Omusiraamu ateekwa okutunuulira emiwendo gyabyo mu buli mwaka ajjemu zakah.

## Zakah y'ebiva mu ttaka:

Kyatteeka okujja zakah mu bibala ebyempeke n'ebibala ebipimibwa nga era bitelekebwa nga entende, enzabibu, engano, n'omuceere, ebinyebwa, kasooli n'ebirala ng'ebyo. Naye ate teweebwa mu batasoboka kuterekwa nga tebivunze.
Biri byetulabye bitoolwamu zakah singa biweza ekipimo. Ekipimo kyabyo ziba kilo 612 wabula tebiba na

kakwakkulizo kaakumala kuyitako mwaka ebyekika kino. Wabula bitoolwamu awo webikunguliddwa nebilongoosebwa, nga n'ekigero ekijjibwamu muvaamu 1/10 (kimukya kkumi) singa biba bikulidde ku mazzi ga nkuba na migga. Wabula singa bikulidde ku mazzi agasikibwa oba agatekebwamu sente nebifukirirwa, olwo mujjibwamu ekitundu kya 1/10

Eky'okulabirako singa omuntu yalima eŋŋano nafuna kilo 800 ono ateekwa okutoolamu zakah kubanga ekipimo kya (Niswabu) y'eŋŋano tulabye eli kiro 612, kitegeeza nti wano ateekwa okutoolamu 1/10 abeera ajjamu kilo 80 oyo nno yabeera nga engano eno yagirima nga akozesa mazzi gankuba oba ag'omugga nga bwerimwamu. Naye singa ate agilimidde ku mazzi gakusima oba gataapu nagifukirira bufukirizi olwo atoolamu kilo 40.

## Zaka etoolebwa mu bisolo:

Ekigendererwa wano mubisolo by'ebisolo nga Eŋŋamiya, Ente, Embuzi n'endiga. Byonna biteekwa okutoolwamu zakah naye n'obukwakkulizo buno wammanga:

- Okuwera kwa (Niswabu) kwa kigero ky'omuwendo gwazo so nga n'obutono bw'omuwendo gwe ŋamiya ziba ttaano, ate embuzi n'endiga asatu (40), wabula ate zo ente ziba ana (30), ekitegeeza nti ekigero ky'omuwendo ogukka wansi wa buli kika mu nsolo

ezo waggulu, ezo ziba tezinnatuuka kutoolwamu zakah.

- Nga ziyiseeko (omwaka) ebbanga lyazo.
- Kw'ekubeera nga zirundwa nezibeerawo ekiseera ekisukka omwaka so ssi ezo omuntu zakuŋŋanya mu kiraalo nga zigenda kuliibwa nezimala akaseera katono neziriibwa, okujjako nga zirundibwa ekiseera ekisukka omwaka, olwono ezo zivaamu zakah.
- Era tezirina kubeera ezo ezikozesebwa gammba mu kulima oba mukwetikka ebyamaguzi n'ebirala.

## Zakah etoolebwa mu ŋamiya:

Eŋŋamiya ziteekwa okujjibwamu zakah singa ekigero ky'omuwendo (Niswabu) kiba kiweze, nga nagwo ze ŋŋamiya ttaano (5). Singa Omusiraamu omukkiriza aweza Eŋŋamiya ttaano neziyitako omwaka ekiseera ekyagerekebwa nga zonna zikyali zize, olwo nno ajjamu mbuzi. Ate singa aweza ekkumi okutuuka ku kkumi nannya (14) ajjamu embuzi bbiri (2), ate bw’aweza kkumi nattaano (15) okutuusiza ddala ku kkumi namwenda (19) ajjamu embuzi satu. ate bwaweza amakumi abiri (20) okutuusiza ddala kw'abiri mwenya (24) ajjamu embuzi nnya (4), ate bw’aweza abiri mwettaano (25) okutuuka ku makumi asatu mu ttaano (35) ajjamu (bint Mahadhu) amakulu eŋŋamiya ewezezza omwaka, ate bw’aba tagifunye kimumalira okujjamu (ibun labuun) yeyo

eŋŋamiya ennume ewezezza emyaka ebiri (2), ate bw'aweza asatu mu mukaaga okutuuka ku aana mu ttaano wano atoolamu (bint labuun) y'eŋŋamiya enkazi ewezezza emyaka ebiri. Ate bwaweza aana mu mukaaga okutuuka ku nkaaga omwo ajjamu (hiqatu) eyo ewezezza emyaka esatu mu ŋamiya. Ate bw'aweza enkaaga mwemu okutuusizza ddala ku nsanvu mu ttaano, oyo atoolamu (Jaza-atu) yeŋŋamiya ewezezza emyaka ena. ate bw'aweza ensanvu muttaano okutuuka ku kyenda, oyo ajjamu (binitu labuun) zeŋŋamiya bbiri eziwezezza emyaka ebiri-ebiri. Ate bwaweza okuva ku kyenda mwemu okutuuka ku kikumi mw'abiri (120) ajjamu (Hiqatan) nga ze ŋamiya bbiri eziwezezza emyaka esatu- esatu. Ate bw'aweza ezisukka mwezo, mu buli ŋamiya ana ajjamu (bint labuun) gyetwalabye ey'emyaka ebiri nga nkazi. Ate bwezisukka awo mu buli ŋamiya ataano ajjamu (hiqa) gyetwalabye eyemyaka esatu.
Table eno eyongera okunnyonnyola

| No. | Omuwendo okuva | Okutuuka | | Okuva | Okutuuka | Zakah |
|---|---|---|---|---|---|---|
| 1 | 5 | 9 | Embuzi 6 | 36 | 45 | Ewezezza emyaka (2) |
| 2 | 10 | 14 | Embuzi 7 | 46 | 60 | Myaka esatu |
| 3 | 15 | 19 | Embuzi 8 | 61 | 75 | Y'amyaka eena |
| 4 | 20 | 24 | Embuzi 9 | 76 | 90 | Bbiri ez'emyaka ebiri |

| | | | | | | |
|---|---|---|---|---|---|---|
| 5 | 25 | 35 | Embuzi 10 | 91 | 120 | Bbiri ez'emyaka esatu |

Bwezisukka awo nga bwetwalabye mu buli amakumi aana ajjamu y'amyaka ebiri ate mu buli ataano y'amyaka esatu.

## Zakah etoolebwa mu nte:

Omuntu bw’aweza ente asatu okutuusizza ddala ku asatu mu mwenda ajjamu (Ajalu tabiia) y’ente ewezezza omwaka. Ate bwaweza amakumi aana okutuusiza ddala kwataano mw’omwenda oyo atoolamu (musinna)nga y’ente ewezezza emyaka ebiri. Ate bwaweza enkaaga okutuuka ku nkaaga mw’omwenda atoolemu (Tabiiaan Ajalani) z’ente bbiri nga buli emu kuzo ewezezza omwaka. Ate bwaweza ente nsanvu okutuuka ku nsanvu mu omwenda atoolamu (Musinna wataabiia) ajjamu ey'omwaka n’eyemyaka ebiri. Ate buli lwezisukka awo mu buli makumi asatu atoolamu ‘Tabiia’ ente ey'omwaka ate mu buli nte amakumi aana najjamu (Musanna) ey'emyaka ebiri nabwezityo buli lwezisukkawo.

| Omuwendo | Okutuuka | Zakah | Zakah eyomwaka gumu. |
|---|---|---|---|
| 30 | 39 | Tabiia | Eyomwaka gumu |
| 40 | 59 | Musanna | Ey'emwaka ebiri |
| 60 | 69 | Tabiiaani | Bbiri ezomwaka |

| | | | |
|---|---|---|---|
| 70 | 79 | Musanna watabiia | Bbiri eyogumu n'eyebiri. |

## Zakah etoolebwa mu mbuzi:

Omuntu bwaweza embuzi amakumi aana okutuusiza ddala ku kikumi mu abiri, abeera alina okutoolamu embuzi emu.
Ate bwezeyongerako emu neziwela 121 okutuukira ddala ku mbuzi ebikumi bibiri olwo atoolamu embuzi bbiri. Ate bwezeyongerako emu okutuusiza ddala ku mbuzi bisatu mu kyenda mu mwenda (399) muno atoolamu embuzi satu. Era bwezeyongerako emu okutuuka ku mbuzi bina mukyenda mu mwenda (499) atoolamu embuzi nnya.
Ate bwezeyongerako emu okutuuka ku bitaano kyenda mu mwenda (599) atoolamu embuzi ttaano, bwatyo bwezisukkawo mu buli mbuzi kikumi atoolamu embuzi emu.

| Omuwendo | Okutuuka | Zakah |
|---|---|---|
| 40 | 120 | Embuzi emu |
| 121 | 200 | Embuzi bbiri |
| 201 | 399 | Embuzi ssatu |
| 400 | 499 | Embuzi nnya |
| 500 | 599 | Embuzi ttaano. |

## Bannannyini kuweebwa Zakah:

قال الله سبحانه وتعالى: ﴿إِنَّمَا الصَّدَقَاتُ لِلْفُقَرَاءِ وَالْمَسَاكِينِ وَالْعَامِلِينَ عَلَيْهَا وَالْمُؤَلَّفَةِ قُلُوبُهُمْ وَفِي الرِّقَابِ وَالْغَارِمِينَ وَفِي سَبِيلِ اللهِ وَابْنِ السَّبِيلِ فَرِيضَةً مِنَ اللهِ وَاللهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ﴾ [ التوبة:٦٠]

Bwatyo Allah agamba nti: *"Mazima zakah y'abaavu n'abanaku, n'abagikolamu (abagikuŋŋanya), n'abo abasiramuse okunyweza obusiraamu bwabwe, n'okugonza emitima gyabo abatiibwa obubi bwabwe eri abasiraamu, n'okujjayo abali mu makomera (n'abawambe), n'abayina amabanja, n'abali mu kkubo lya Allah, n'abatambuze, nga yalaalikwa okuva eri Allah ne Allah ye mumanyi era nannyini (Hikima) amagezi agaawaggulu".*

Bwatyo Allah mu Aya eno yannyonnyola emiteeko gy'abantu munaana nga buli muteeko gw'amuntu mubo alina okuweebwa zakah.

Ne zakah eno mu busiraamu emigaso gyayo gidda eri abantu b'Obusiraamu n'eri Abasiraamu sekinnoomu omwetavu. Teyeeeyawulidde eri abo abaasoma amateeka g'Obusiraamu bokka nga bwekiri munzikiriza endala.

Neba nnannyini zakah bebo;

**1.** *Omwavu:* nga naye y'oyo afuna ekigero munfunaye nga afuna ekikka wansi w'ekitundu ky'akozesa ekimumala.

**2.** *Masikiini:* ne masikiini y'oyo afuna ekisinga ekitundu kyekyo ky'akozesa ekimumala bwatyo n'abeera nga naye tafuna kimumala. Kyokka mubujjuvu, bwatyo n'awebwa ku zakah ekigero asobole okufuna ekimumala – okumala ebyetaagobye, ekiseera eky'omwezi oba omwaka.

**3.** *Abakola mu Zakah:* Abakola mu zakah okugijja mu bagiwa naye nga tebafuna musaala, ne baweebwamu zakah, ekigero ky'obukozi bwabwe era ekigero ky'ebitiibwa mwebagwa buli oomu, kababeere nga bagagga.

**4.** *Abapya abasiramuse* wamu n'abo abebitiibwa abagondelwa era abasuubirwa okusilamuka oba okutangira obubi bwabwe eri Abasiraamu; nga bbo abamaze okusiramuka tugenderelamu okunyweza Obusiraamu bwabwe n'okunyweza obukkiriza bwabwe.

**5.** Era baweebwa zakah abo abali mu buddu bateebwe ewamu n'okuta abawambe abo abali mu mikono gy'abalabe b'Obusiraamu.

**6.** *Abalina amabanja;* nabo baweebwe zakah basobole okusasula amabanja gaabwe naye nga bano baliko obukwakkulizo ak'okubeera Abasiraamu era nga sibagagga abalina obusobozi obw'esasulira n'okubeeranga ebbanja elisasulwa teririimu kujooga Allah.

**7.** *Oyo ali mu kkubo lya Allah;* Okugeza nga bamujahiduuna abalwana mu kkubo lya Allah naye

nga balwana lillah tebafuna musaala, nabo bawebwa zakah, bbo kennyini okumala ebyetaago ebyabwe nga abantu abo okugula eby'okulwanyisa byebakozesa okutaasa eddiini ya Allah.

Era nga bwekimanyiddwa nti n’okunoonya okumanya nayo ebeera (jihadi), kuba kulwana mu kkubo lya Allah kasita kubeera okumanya kuno kumanya kwa ddiini oba mateeka ga ddiini ey’Obusiraamu. Singa omuntu asinganibwa nga talina sente so nga ayagala okweyawulira kukusoma ategeere eddiini, oyo aweebwa mu zakah ekigero ekimusobozesa okweyawulira kuby'okusoma eddiini.

**8.** *N’oyo omutambuze:* Omutambuze y’oyo ali mu lugendo naye nga entandaye emuweddeko oba nga ne sente zenyini ezimutuusa gyalaga zimuweddeko bwatyo naye aweebwa sente ezimutuusa ewabwe gyalaga k’abeere nga ewabwe mugagga. So nga tekikkirizibwa kukozesa sente za zakah mukuzimba mizikiti oba okulongoosa enguudo n’ebirala.

## Bino byekkaanye

**1.** Tekikkirizibwa kutoola zakah mu bintu ebiva mu nyanja gamba nga Lu-u Lu-u ne Marujan oba ebyenyanja n'ebirala okujjako ebyo ebibeera bitwalibwa nga ky'abusuubuzi.

**2.** Era tejjibwa zakah munyumba zi kalina ezipangisibwa n'amakolero n'ebifanana ngebyo, okujjako zakah mubino;

Ejjibwa mu sente ez'obupangisa ezivaamu singa ziwezezza ebbanga (hawulu) eryagerekebwa

Okugeza omuntu bwapangisa ennyumba n'afuna sente ezo zebamuwadde abapangisa, oluvannyuma neziyitako ebbanga eryo mwaka olwo azijjamu zakah bweziba ziweze (niswabu) ekigero ekyo ekyalagirwa mu sente.